# Nnina kusasula ssente mmeka okufuna 'Digital Number' ey'emmotoka?

Uganda Revenue Authority
DEVELOPING UGANDA TOGETHER

BULI Lwakusatu, akulira ekitongole ekiwooza emisolo ekya URA ayanukula ebibuuzo byammwe ku nsonga ezitali zimu. Ebibuuzo abyanukula ng'ayita mu lupapula lwo olwa ***Bukedde***. Weereza ekibuuzo kyo ku nsonga yonna ku misolo n'obusuubuzi ku nnamba eno, **0701625460** byonna ajja kubyanukula.

**Hassana okuva e Mbale, nina emmotoka yange ekika kya Starlet nnamba UAB 031R, nnina kusasula ssente mmeka okufuna Digital Number Plate? Logbook gye nnina ye ya kiragala naye nga Mzee eyaginguza yafa. Nyinza kuyambibwa ntya?**

Mwami Hassan, nga tonnasaba nnamba ya digito, osaanye wekkaanye engeri y'okukyusa kkaadi y'emmotoka yo okuva ku ya kiragala okudda ku njeru (e-logbook). Engeri gye kiri nti nnannyini mannya agali mu kkaadi yafa,

- Langa mu mawulire ng'oyita be kikwatako okukuyamba mu kukyusa obwannannyini bw'emmotoka, ng'eggulire lino lirina okutambula okumala ebbanga lya wiiki bbiri, lisobole okusomebwa.
- Olupapula ekirango kyo kwe kiyitidde, lukuume. Kyalira poliisi ekuli okumpi, ogitegeeze nti nnannyini mmotoka yafa.
- Poliisi yaakukuwa alipoota ekakasa nti wabulwa gwe kikwatako ku kkaadi eyo. Twala emmotoka yo ku ofiisi ya minisitule y'ebyentambula esangibwa ku kitebe ekikulu e Nakawa.
- Ojja kuweebwa akapapula kw'onoosasulira ensimbi z'okugyekebejja, yeekebejjebwe, oweebwe alipoota y'ebikwata ku mmotoka yo.
- Oluvannyuma, ojja kugenda mu kkooti n'ebiwandiiko ebyo waggulu, ekuwe Court Order ekukkiriza okukyusa obwannannyini bw'emmotoka okuva mu mannya g'oyo eyafa okudda mu gago.

Ojja kusasula 150,000/- nga zino ze z'okugula nnamba puleeti ya digito, era ekuweebwe.



Mmotoka nga zissibwako nnamba za digito.

**Davis Senkindi ku Mini Price mu Kampala, Nalina TIN Number gye nsasuliirako, bwe namala ebbanga nga sisuubula ne bankubira amasimu nga bagamba bammanja ate nga sirina bbanja lyonna. Kyantuukako nga twakava mu Covid-19, mu budde buno simanyi oba bakyammanja era nnyinza kutandikirawa?**

## BUUZA KAMISONA


Akulira URA, Musinguzi.

Mwami Ssekindi, bw'oweebwa TIN eggyirako obuvunaanyizibwa bw'okussaamu ennyanjula ya bizinensi yo ssaako n'okusasula omusolo, nga buno bw'otabutuukiriza, system yaffe ekugerekera omusolo butereevu mu kimanyiddwa nga Default Assessment. Ensonga lwaki ofuna obubaka oluvannyuma lw'ebbanga nga tokola, eri nti TIN yo ekyalabiba mu system yaffe. Okugonjoola ensonga eno, kyalira ofiisi y'omusolo ekutwala mu kitundu kyo oyambibwe. Olwokuba waggalawo bizinensi yo, TIN yo yaakusirisibwa, era obubaka obukubanja omusolo bujja kukoma. Kyokka bw'onoddamu okukola bizinensi, ojja kuba oteekeddwa okuddamu okuzuukusa TIN eyo enaaba esirisiddwa, ogende mu maaso n'okutuukiriza obuvunaanyizibwa bwo ku musolo.

## Okusasulira omusolo ku ssimu kunnyongezaamu ssente?

**Okusasula omusolo nga neeyambisa essimu kituufu nti osasula ssente nnyingi okusinga azitutte mu bbanka mu mpeke (Yunusu Muleterwa).**

Nedda. Bw'okozesa essimu okusasula omusolo tekyongeza bungi bwa nsimbi z'osasula. Wano, oggyibwako ebisale ebisaamusaamu okusinga ate bwe wanditindizze eggendo okugenda mu bbanka, ebiseera ebimu ezitubeera ewalako ng'ate nazo zisasuza ensimbi z'okusasula. Jjukira nti otaasa n'ebiseera by'okusimba ennyiriri ng'osasula. Noolwekyo, okubirizibwa okusasula omusolo ng'oyita ku ssimu yo olw'obwangu bw'enkola eno.



gusasulwa ebbanga eriyise nga muno mw'otwalidde n'ogwa Withholding tax.

**Enkola ya EFRIS erimu ebituli nti mulimu abatunzi abagattamu ebitundu 18 ku 100. Kyokka abamu bagyebalama ne batagikozesa n'ekigendererwa ky'okufuna amagoba amangi. Ensonga eno mugisalidde magezi ki?**

EFRIS bwe yaleetebwa mu Uganda, minisita w'ebyensimbi yalondobayo abo bonna abeewandiisa ku musolo gwa VAT ng'era ya buwaze gye bali. Nga URA tukola ebikwekweto eby'enjawulo ku bizinesi era ezo ezisangibwa nga tezigissa mu nkola oba nga zeebalama okusasula omusolo gwa VAT, baweesebwa engassi eyenkana n'obungi bw'omusolo gwe zirina okusasula nga gukubisiddwamu emirundi ebiri.

## Ssente Gavumenti z'ewola abayizi zissibwako omusolo?

**Ssente Gavumenti z'ewola abayizi okusoma ku looni, ziteekebwako omusolo nga bazisasula mu maaso?**

Ennyingiza ya Gavumenti yasonyiyibwa okusasula omusolo okusinziira ku tteeka ly'omusolo ku nnyingiza (Income tax Act). Noolwekyo, teri musolo gussibwa ku nsimbi abayizi ze basasula eri Gavumenti oluvannyuma lw'okubawola mu nteekateeka z'okusoma.

**Nze njagala mulimu gwonna ne bwe gubeera gwa kwera mu luggya kuba saasoma ate nga sirina mulimu (Sarah Nabakooza).**

Mukyala Nabakooza, URA erina emirimu egy'enjawulo gy'etera okulanga ku mikutu gy'amawulire egy'enjawulo okuli n'emiggattabantu. Nkusaba okebere mu mikutu egyo, oluusi emirimu bwe gityo gibaamu.

## Lwaki amafuta galinnya?

**Lwaki buli lwe tuva mu kalulu amafuta galinnya? Kino nkyetegerezza ebbanga ddene (Aaron Bbaale e Masaka).**

Mwami Bbaale: Okulinnya kw'amafuta kiva ku nsonga nnyingi era ez'enjawulo. Mu kiseera kino, okulinnya kw'amafuta tekuva ku kalulu akaakagwa, wabula nga minisita bwe yalambise gye buvuddeko, olutalo oluli wakati w'amawanga okuli America, Yisirayiri ssaako ne Iran, kyaviirako okuggala akagolomolo akamanyiddwa nga Strait of Hormuz, ng'ate kano ke katambuza amafuta okuva mu mawanga g'ekyondo kya Buwarabu okuli Saudi Arabia, Qatar, Bahrain, Kuwait, Iraq n'amawanga amalala. Kino kyaviirako ebbula ly'amaafuta olw'okuba nti tegasobola kutuuka ku katale k'ensi yonna.

